**24th June 2018.**

# YESU KRISTO KABONA WAFFE ASINGA OBUKULU.

**Abaebbulaniya 4:14 -5:10.**

Amakya ga leero mu kweyongerayo kwaffe okusomesebwa mu kitabo ky'ebbaluwa eri Abaebbulaniya, mwe tukalaatirwa obusukkulumu bwa Mukama waffe Yesu Kristo ku bonna, era byonna, wonna, emirembe gyonna.
Oluvannyuma lw'okukakasibwa nti mu Yye mwe muli ekiwummulo ekyannamaddala ate eky'emirembe gyonna, nga mukulu Charles Mwanga bwe yasomesa omulundi oguwedde. Okuviira ddala mu kitundu kye twaalimu kw'olwo okweyongerayo okutuusa mu ssuula ey'ekkumi, kye kitundu kye twandiyise ng'omutima gw'ebbaluwa eno, mwe tulagwa obukulu bw'omulamwa omukulu gw'obulamu bwa Mukama waffe Yesu Kristo, nga kwe kwaali okuba Kabona Asinga ate ow'emirembe gyonna eri Mukama Katonda Kitaffe na buli muntu yenna eyali atondeddwa era alitondebwa. Gano ge masekkati g'ekitabo era mwe muli ekitundu eky'okusatu kw'ebyo ebitaano ebikulu by'okubuulirirwa kw'ebbaluwa eno Omwoyo Mutukuvu mwatubuulirira nga bwe yali akola eri Abaebbulaniya ng'oluvannyuma lw'okubalaga Yesu Kristo bwe yali asukkuluma ku Musa, nga n'obuweereza bwe bwaali busukkulumu ku bwa Musa. Tulagwa nate bwe yali asukkuluma ku Alooni mukulu wa Musa eyali Kabona Asinga eyasooka era omwaava olulyo lwa bakabona abaalondwa Mukama Katonda kkennyini. Nga bwe twaakasomesebwa mu kitabo ky'Okuva essuula 28:1 awamu ne 29:1-9, ebbanga eritali lya wala nnyo.

Era okuluka obulungi okubuulirira kwe, (lwakuba bwe yali ewandiikibwa temwaali kkutulwaamu kwa ssuula oba nnyiriri,) ky'envudde nzirayo mu ssuula ey'okuna tufune bulungi ennyanjula y'ebyo ebiri mu ssuula ey'okutaano.

Tusome ssuula 4:14 – 5:10………..
Lnny. 14….. Ye Kabona yekka eyagenda mu ggulu mu mulimu gwe ogw'obwa kabona. Ate Ye Kabona yekka eyali Omwana wa Katonda. Ebikulu ennyo okweetegereza mu busukkulumu bwe ku Alooni.
Lnny. 15….. Ye wadde yakemebwa mu byonna, teyakola kibi kyonna obulamu bwe bwonna. Tujjukira nate ebyaatuuka ku Alooni mu Kuva 32.

Era olw'okuba yayisibwa mu byonna omuntu bye yandiyisibbwaamu mu bulamu bwe, kyokka n'atakola kibi kyonna, tulaba mu bino byonna obutuukirivu bw'Obwakabona bwe, obutuukirivu bw'Obuntu bwe, awamu n'obutuukirivu bw'Obugabirizi bwe. N'olw'ekyo ekisa kye tubeerwa mu bweetaavu bwaffe kituukirivu, era kye kyokka ekimala eri obweetaavu bwaffe bwonna emirembe gyonna!

Mu ssuula ey'okutaano omuwandiisi mu Mwoyo wa Mukama, atulaga ebisaanyizo byonna Yesu Kristo bye yatuukiriza okumusaanyiza okuba Kabona Asinga Obukulu.

- Lnny.1…. "alondebwa mu bantu n'ateekebwawo okuweereza Katonda ku lwabwe, alyoke awengayo ebirabo n'essaddaaka olw'ebibi byabwe."
- Lnny. 2…. "Asobola okukwata empola abantu abatamanyi era n'abo abakyama, kubanga naye yennyini muntu eyeetooloddwa obunafu."
- Lnny. 4…. "Tewali muntu yenna ayinza okwefuula kabona wabula ng'ayitiddwa Katonda okukola omulimu." [ Era abaagezaako ebyaabatuukako byawandiikibwa bulungi nga Koora mu Kubala 16, Sawulo mu I Samwiiri 13, ne Uzziya mu II Eby'omumirembe 26.]
- Lnny. 5,6 …. "Ne Kristo bw'atyo teyeegulumiza yekka, okufuuka Kabona Asinga Obukulu. Katonda yamwogerako nti, "Ggwe oli Mwana wange, leero nkuzadde ggwe."  Era n'awalala agamba nti, "Ggwe walondebwa okuba Kabona emirembe n'emirembe, ng'olubu lwa Merukizeddeeki bwe luli." [ Okuggyayo Zabbuli 2:7 awamu n Zabbuli 110:4.]

Awo kwe kuggyayo obwawufu bw'obwakabona bwa Alooni n'obwa Yesu Kristo, olw'okuba nti Yesu Kristo teyali mu lulyo lwa Alooni, eyalina okusikirwanga nga Kabona Asinga Obukulu, ne kyeetaaza abasajja bangi, wabula nti Yye yali wa lulyo lwa Merukizeddeeki, (olujja okulambululwa mu ssuula 7) kuba obubwe tebwaalina ntandikwa oba nkomerero, ate bwaali bwegattiddwaako n'ekitiibwa ky'obwakabaka, nga bwe tumanyi Yesu Kristo Kabona era Kabaka.

Mu nny.7-10 ne tuweebwa okutongozebwaakwe kwe kwaasinziira.
Lnny. 7……Matayo 26:36-39, ne Lukka 22:44 zitulaga obukakafu bw'okumeggana kwa Yesu n'okugezesebwa okuyitirivu kyokka nawangula.

7b…“Yesu yasinza Katonda mu mazima, Katonda n’awulira okusaba kwe.”
Lnny.8……
Lnny.9,10…..

Kye kitukalaatiriza gye twatandikidde mu ssuula 4:14-16……

Eky’okulabirako kya ba office admins.oba ba secretaries…….

Enkola y’endagaano enkadde ey’okusembera wala okuva mu kubeerawo kwa Katonda, n’enkola y’endagaano empya ey’okusembera mu kubeerawo kwa Mukama n’obuvumu.